# »Engeri y‘okulimamu ennyaanya ekitundu kya 2«

Ennyaanya nva ndirwa ezirimibwa okwetoloola ensi kulwemigaso eri obulamu wabula zino zokosebwa ebintu ebiwerako wamu n‘endwadde ezisobola okwewalibwa nokulwanyisa amangu.

Endwadde ezisinga okutawanya ennyaanya mulimu kiwotokwa, blight, tomatomato mosaic,tomato yellow curl leaf virus ne mildew. Ku luuyi luli, ebitonde ebirala ebitawanya ennyaanya mulimu; aphids, cut worms, leaf miners, ball worms, thrips, ensowera, n‘obusanyi, nga bino byangu okulwanyisa okusobola okufuna amakungula amalungi. Okusobola okukula obulungi, ennyaanya zetaaga ekirungo kya nitrogen, phophorus, potassium, calcium ne magnesium. Fuyira ne ddagala eririmu ebirungo nga opper hydroxyl, metalayxl ne mancozeb

## Okukakasa nti ofuna amakungula amangi.

Kakasanga nti ebimera tebikosebwa nga okoola kubanga kiyinza okuziletako amabwa agayinza okuyitbwamu endwadde era kozesa ebiveera ebibikka okusobola okuziyiza omuddo okumera olwo otekemu ebigimusa nga bwebiragirwa nga omaze okukoola okusobola okuzaamu obugimu mu ttaka.

Okwongerako, kebera ettaka nga tonaba kutekamu birime okulaba obugimu wamu nobungi bw‘olunnyo (pH) era olwanyise endwadde n‘ebiwuka okugeza nga okozesa amazzi omu eddagala. Okwongerako, jjanjaba ettaka okutta obuwuka n‘endwadde ebibeera mu ttaka era otekemu eddagala eryatongozebwa eririmu ebika ebitta endwadde nga engeri y‘okwewala endwadde ate era nga enderi y‘okuvumula ebirime ebiba bikwatidwa obulwadde.

Era wetanire okukyusakyusa ebirimibwa mu nimiro, okoole nga enimiro, ogyemu ebimera ebilwadde wamu nokulwanyisa endwadde amangu okusobola okukutula olujjegere olutambuza obulwadde

wabula okufuyira kulina kukolebwa nga bwekulambikiddwa buli wiiki 2 okukakasa nti olwanyisa ebiwuka n‘endwadde nga bukyaali, nekisembayo Kungulira mu mitendera buli luvanyuma lwa wiiki okubeera nga ofuna sente buli kiseera okumalako sizoni.